# Omusolo URA gw'eggya ku misaala gugenderera kwavuwaza abakozi abamu?

BULI Lwakusatu, akulira ekitongole ekiwooza emisolo ekya URA ayanukula ebibuuzo byammwe ku nsonga ezitali zimu. Ebibuuzo abyanukula ng'ayita mu lupapula lwo olwa ***Bukedde***. Weereza ekibuuzo kyo ku nsonga yonna ku misolo n'obusuubuzi ku nnamba eno, **0701625460** byonna ajja kubyanukula.



Abafuna omusaala omusava batera okuvuga emmotoka ez'ebbeeyi nga ey'omukyala ono.

**Lwaki omuntu gy'akoma okusasulwa omusaala omungi n'omusolo gye gukoma okubeera waggulu? Ekigendererwa kyammwe kya kulaba nga mumwavuwaza oba temwagala agaggawale nnyo?**

Enkola y'okuwooza omusolo omutonotono ku nnyingiza entono wamu n'omungiko ku nnyingiza ennene, nkola ya bwenkanya emanyiddwa nga progressive tax system.

Ekigendererwa mu kino, kwe kuba nti abafuna ekitono basasula kitonotono ne balema kunyigirizibwa, kyokka abafuna ekingi ne basasula omusolo mungiko okussaawo obwenkanya mu nnyingiza.

**Nnina bizinensi gye natandika ku nkomerero y'omwaka oguwedde naye sifunanga angerekera musolo. Ssinga bankwata nga sinnasasula, era banvunaana oba nnina kulinda kungerekera?**

Bw'otandika bizinensi, olina obuvunaanyizibwa okugiwandiisa n'ogifunira erinnya okuva mu kitongole kya Uganda Registration Services Bureau (URSB), oluvannyuma n'ogiwandiisa ku musolo mu URA ng'okyalira ofiisi oba okusinziira awo w'oli n'oweebwa TIN.

Waliwo obuvunaanyizibwa obujja n'okuweebwa TIN okuli okukuuma ebiwandiiko, oluvannyuma lwa buli mwaka kikuyambe okussaamu ennyanjula oba litaani n'okusasula omusolo, w'ofunira omukisa okwegerekera. Noolwekyo, tolina kulinda muntu yenna kukugerekera.

**Nga URA, mulinayo emirimu egy'ekiseera ekitono ng'omwezi ogumu oba ebiri egisobola okukolebwa ffe abayizi abali ku yunivasite?**

Enkola ya URA nnambulukufu ku mirimu nga gino. Girangibwa mu mikutu gy'amawulire okuli empapula, okuyita ku kibanja kya URA n'emikutu gi mugattabantu. Ebiseera ebisinga emirimu egirangibwa giweebwa abo ababa bamalirizza emisomo gyabwe okusingira ddala ku ddaala lya yunivasite. Kyokka waliwo enteekateeka y'okutendeka abayizi abakyali ku yunivasite emanyiddwa nga internship. Noolwekyo, osobola okussaamu okusaba ku nteekateeka eno.

**Nga tugenda okumalako omwaka gw'ebyensimbi, ng'abawi b'omusolo otuwa magezi ki ku ngeri gye tulina okweteekateekamu?**

Ng'omwaka gw'ebyensimbi guggwaako, abawi b'omusolo bakubirizibwa okussaamu litaani za bizinensi zaabwe nga kuno kwe kuli n'ez'ennyingiza eggyibwa mu bipangisibwa (rental income) ezitali za nkomeredde, ez'omusolo ku nnyingiza (provisional returns) eri abo abagoberera omwaka gw'ebyensimbi ogutandika mu July.

Mu mbeera y'emu, abagoberera omwaka ogwa bulijjo ogutandika mu January, bakubirizibwa okussaamu litaani ez'enkomeredde (final returns).

Litaani zino ziteekeddwa okugoberezebwako okusasula omusolo nga bw'oba weebaliridde. Mu mbeera y'emu, waliwo litaani z'omusolo ogusasulwa buli mwezi okugeza omusolo gwa VAT, ogw'omusaala gw'abakozi (PAYE), ogwa Local Excise Duty n'emirala.

Noolwekyo, tuukiriza obuvunaanyizibwa bwo, oleme kuweesebwa magoba na ngassi.

**Bwe mba nga nnina TIN ne nneesanga nga bizinensi tekyakola ne mugisirisa, wabula oluvannyuma ne nziramu ne nfuna bizinensi, nkola ntya?**

Bwe weesanga nga TIN yo yasirisibwa olw'okuggwaawo kwa bizinensi yo kyokka ne weesanga ng'ozzeemu okukola, okyalira ofiisi ya URA ekutwala TIN yo n'eddamu n'ezuukusibwa, olwo emirimu gyo ne gigenda mu maaso.

**Nnina "TIN number" gye nakozesa nga nsasula omusolo gw'emmotoka yange, kyokka okuva olwo bazze bansindikira obubaka nti bagibanjaako omusolo ogukunkkiriza mu bukadde 300. Kino kijja kitya ng'ate sirina bizinensi ndala yonna gye ngikolerako okuggyako lwe nagisasuliirako omusolo gw'emmotoka nga ngiggye mu bondi?**

Weebale kwewandiisa ku musolo n'oweebwa TIN. Nkujjukiza nti mu kwewandiisa ku musolo, oteekeddwa okuba ng'olina ennyingiza.

Buli lw'ofuna TIN, osuubirwa okussaamu litaani ku nnyingiza yo nga kino bw'otokikola, system eteebereza omusolo gw'oba olina okusasula n'ekujjukiza mu kimanyiddwa nga default assessment. Nkusaba okyalire ofiisi yaffe ekuli okumpi onnyonnyolwe.

## BUUZA KAMISONA



Akulira URA, Musinguzi.

## Alangiriddwa mu lubu lw'abaavu taddamu kuwa musolo?

**Kituufu nti omuntu bwe bamulangirira mu lubu lw'abaavu, abeera talina kuddamu kusasula musolo gwonna?**

Omuntu alangiriddwa mu lubu lw'abaavu lunkupe aba takkirizibwa kukola bizinensi mu mateeka. Noolwekyo, taba na nnyingiza yonna. N'olw'ensonga eyo, aba taggyibwako musolo.

**Ng'ekitongole kya URA, n'obuwombeefu nsaba mutaase Bannayuganda abalemedde e Cambodia kuba bawi ba musolo.**

Obuvunaanyizibwa bw'ekitongole kya URA kwe kukung'aanya omusolo. Obuvunaanyizibwa bw'okukola ku nsonga za Bannayuganda abawagamidde mu mawanga amalala bwa minisitule ekola ku nsonga z'amawanga amalala n'ekitebe kya Uganda ekitwala ebitundu gye bali.

## Omuntu aliyiriddwa aggyibwako omusolo?

**Ssinga kkooti ewa ekiragiro ky'okuliyirira omuntu ssente olw'okufiirizibwa kwe yafuna, ssente ezo muziwoozaako omusolo?**

Omuntu bw'aba afiiriziddwa n'afuna ekiragiro kya kkooti okumuliyirira ensimbi, taggyibwako musolo ku nsimbi ezimusasuddwa. Kino kiri bwe kityo kubanga ensimbi ezo aba taziggye mu kukola bizinensi ate ng'omusolo guwoozebwa ku nnyingiza eggyibwa mu bizinensi oba okukozesebwa.

